Bukedde EMIZANNYO



Abakungu nga batongoza emisinde. Okuva ku kkono, Remmie Kisakye, Israel Kazibwe Kitooke, Minisita w'emizannyo e Mmengo, Robert Sserwanga, Katikkiro Mayiga, Ssebowa n'omumyuka asooka owa Katikkiro, Polof. Twaha Kaawaase. Kozesa App ya Vision Digtal Experience olabe vidiyo eno.

# Katikkiro atongozza emisinde gya Kabaka

Bya BASASI BAFFE

KATIKKIRO wa Buganda Charles Peter Mayiga akunze Bannayuganda bonna okujjumbira okugula emijoozi egigenda okuddukirwamu emisinde gy'okukuza amazaalibwa ga Kabaka ag'emyaka 71 egigenda okubeerayo nga April 12. Katikkiro yabadde ku mukolo gw'okutongoza emisinde gino ku Bulange e Mmengo eggulo n'abamu ku bakungu abaavudde mu kkampuni ez'enjawulo eziteeka ssente mu misinde gino.

"Abavubuka musobola okwewala eby'okwegatta kuba temuli kalungi ate abafumbo mwekuumire abaagalwa bammwe mutambuze bulungi obulamu obutaliimu ndwadde nkambwe," Katikkiro bwe yategeezezza.

Yeebazizza *Bukedde* okuwagira emisinde gino ng'atuusa ebikwata ku Bwakabaka eri abantu n'asaba Omukunganya waalwo, Michael Mukasa Ssebbowa okuwandiika ekitabo mu mboozi ze zawandiika buli Lwakusatu eza 'Ensi Kuyiiya'. Yakunze abantu okwongera okugula olupapula luno.

Emijoozi gyateereddwa ku katale nga buli gumu gugulwa 25,000/- ku Bulange n'ebifo ebirala. Emisinde gino gigenderera okutuukiriza omulaanga gwa Kabaka ogw'okumalawo akawuka ka siriimu nga 2030 tannatuuka. Kkampuni ya Vision Group efulumya ne Bukedde y'emu ku zitadde ssente mu misinde gino. Abaddusi baakutolontoka obuwanvu bwa kiromita 5, 10 ne 21.